**7th/03/2021**

## 1 ABASESSALONIIKA 3:11-13 - TULINDIRIRE KRISTO MU BUTUUKIRIVU N'OKWAGALANA

**Vs11** Abaweereza; Pawulo ne banne bakyasaba Mukama abasobozese okugenda e Sessaloniika okulaba abakkiriza baayo maaso ku maaso ku maaso oluvannyuma lw'okwagala okubalaba naye ne baziyizibwa Setaani **(2:17-18)**

Emu ku nsonga y'okuyayaana kuno eri mu lunyiriri olw'ekkumi (3:10); okutuukiriza ebitataatuukirirra mu kukkiriza kwabwe.

**Vs12** Abaweereza baalina okusaba eri Katonda ayongere okwagalananga mu massekkati g'abakkiriza mu Sessaloniika. Okwagala kuno kubune okuva ku bakkiriza okutuuka ku bantu abalala bonna nga abaweereza bwe baayagala abakkiriza.

Ekikulu ku kwagala kuno kwe kuba nti ng'embeera bwe yali mu biro ebyo mu bitundu bino n'ebirala Enjiri gye yabuulirwa abakkiriza baasanga okuyigganyizibwa okwa'manyi, okuziyizibwa kw'Enjiri awamu n'okubonaabona.

Olwokuba nti baali bakyali mu nsi erimu emitawaana egyo mwe bataamanyira kiseera ki Kristo walibatwalira, kye kyeva kyetaagisa okubayigiriza okwagalananga buli omu eri munne ate era baagale n'abantu abalala abataali bakkiriza.

Oluvannyuma lw'okukyayibwa ab'eggwanga lya bwe olw'okukkiriza Mukama waffe Yesu Kristo **(2:14)** kyali kyetaagisa era nga kya nsonga okufuna okwagala okusinga okulala kwonna okuva mu b'oluganda bannaabwe baleme kujulirira gye baava ate era okwagala kuno kubeera okubudaabudibwa bubiseera eby'okuyigganyizibwa.

Okwagala kukulu nnyo mu kukkiriza Mukama waffe Yesu Kristo era nga kitundutundu ku bulammu bwa buli mukkiriza ewatali kwekwasa kintu kyonna.

Bwe tuba nga twakkiriza Yesu Kristo era nga Omwoyo we afugira muffe waliwo okwagala  okuva mu ffe ne kugenda eri abakkiriza abalala ate era n'eri abantu bonna.

Kino kisoboka lwa kuba nti Katonda gwetwakkiriza kwalala kale nga ye bw'abeera mu ffe olwo embala ye ey'okwagala erabisibwa mu ffe.

- **Okwagala bannaffe kulaga nti twagala Katonda era ky'ekimu ku bikakasa okukkiriza kwaffe n'okuba nti tuli baana ba Katonda.**

**<u>1 Yokaana 3:14</u> - *Kubanga ffe tumanyi nga twava mu kufa, ne tuyingira mu bulamu, kubanga twagala ab'oluganda, naye buli muntu atalina kwagala akyali mu kufa.***

__1 Yokaana 4:20-21__ **- *Omuntu yenna bw'agamba nti, "Njagala Katonda," naye n'akyawa muganda we, omuntu oyo mulimba. Kubanga buli atayagala muganda we gw'alabako, tasobola kwagala Katonda gw'atalabangako.* [21] *Era Katonda yennyini yatulagira nti, "Buli ayagala Katonda ayagalenga ne muganda we."***

__Yokaana 13:34-35__ **- *"Mbawa ekiragiro ekiggya: Mwagalanenga nga nze bwe mbaagala.* [35] *Bwe munaayagalananga abantu bonna kwe banaategeereranga nti muli bayigirizwa bange."***

__Yokaana 15:12,13,17,19__ **- *Kye mbalagira kye kino nti mwagalanenga nga Nze bwe mbaagala.* [13] *Tewali kwagala kusinga okw'omuntu awaayo obulamu bwe olwa mikwano gye.***

**[17] *Kye mbalagira kye kino nti mwagalanenga.***

**[19] *Singa mubadde ba nsi, yandibaagadde, naye temuli ba nsi, kubanga nabalonda muve mu nsi, kyeva ebakyawa.***

- **Okwagala kutuukiriza amateeka ga Katonda kubanga buli ayagala munne aba atuukirizza amateeka ga Katonda.**

__Abaruumi 13:8-10__ **- *Temubeeranga na bbanja lyonna eri omuntu yenna, wabula okwagalananga; kubanga ayagala muntu munne ng'atuukiriza amateeka.* [9] *Kubanga amateeka gano nti, "Toyendanga, tottanga, tobbanga, teweegombanga," n'etteeka eddala, ligattiddwa mu kino nti, "Yagalanga muliraanwa wo nga bwe weeyagala wekka."* [10] *Ayagala muliraanwa we tamukola bubi; noolwekyo okwagala kyekuva kutuukiriza amateeka.***

- **Okwagala kibala kya Mwoyo era kimu ku byoleka okufuga kw'Omwoyo mu bulamu bw'omukkiriza.**

__Abaggalatiya 5:22__ **- *Naye ebibala eby'Omwoyo bye bino: okwagala, essanyu, emirembe, obugumiikiriza, ekisa, obulungi, obwesigwa,***

Okwagala kuno okwogerwako kulina okulabika mu ffe era nga kulabika lwakuba ebikolwa ebikuwerekera biba birabika.

__1 Yokaana 3:18__ **- *Abaana abaagalwa, tetusaana kwagala mu bigambo kyokka, wabula twagalanenga ne mu bikolwa ne mu bulamu obulabika eri abantu.***

**Vs13** Okusaba okulala kwe kw'okugumya / okusimba okukkiriza kw'abakkiriza nga teKUriiko kibi kyonna mu maaso ga Katonda. Kino kiri nti kubanga balindirira Katonda omutukuvu wamu n'abatukuvu nabo kibwaganidde okuba abatukuvu okukwatagana n'obutukuvu bw'oyo gwe balinda.

Nga balindirira okudda kwa Yesu Kristo baalina okumulidirira mu butukuvu ewatali kya kunenyezebwa ku bo mu maaso ga Katonda.

Kubanga Yesu Kristo alindirirwa mutukuvu kale n'abalindirira baalina okwetegeka mu butukuvu era nga buno by'ebimu ku bisaanyizo by'abo abamulindirira.

Kyalibadde ky'abulabe nnyo era kulindira bwereere amadda ga Mukama waffe Yesu Kristo mu kubonaabona kwonna kwebaayitamu ate olwo ne bafiirwa okugenda naye olw'obutasaana kubanga baasuula obutukuvu.

Obutukuvu tebwawukana na bulamu bwa mukkiriza yenna kubanga kye kimu kubiraga okukkiriza kwe mu Katonda omutukuvu gwe yakkiriza.

Yesu yennyini atuyigiriza okuba abatukuvu era abatuukirivu abasaanidde mu maaso ga Katonda.

**<u>Matayo 5:48</u> -** ***Naye mmwe kibagwanira okubeeranga abatuukirivu nga Kitammwe ali mu ggulu bw'ali Omutuukirivu."***

- **Obutukuvu kyambalo ky'abo abalindirira Mukama waffe Yesu Kristo ekibasaanyiza okuyingira mu bwa kababaka bwe.**

**<u>Matayo 22:1-14</u> -**

**<u>1 Abasessaloniika 4:7</u> -** ***Kubanga Katonda teyatuyitira bugwenyufu wabula yatuyitira kutukuzibwa.***

**<u>Abaebbulaniya 12:14</u> -** ***Mufubenga okuba n'emirembe n'abantu bonna, era mufubenga okuba abatukuvu, kubanga atali mutukuvu taliraba Mukama.***

**<u>Abaruumi 6:19-23</u> -** ***Njogera nga nkozesa olulimi olwa bulijjo kubanga mukyali banafu. Nga bwe mwawangayo ebitundu byammwe eby'omubiri okuba abaddu b'ebirowoozo eby'obugwagwa, ne mweyongeranga okukola ebitali bya butuukirivu, bwe mutyo muweeyo ebitundu byammwe eby'omubiri okuba abaddu b'obutuukirivu, nga mweweerayo ddala eri Katonda, mube batukuvu. [20] Bwe mwali abaddu b'ekibi, temwafugibwanga butuukirivu. [21] Kale mwagasibwa ki mu kukola ebintu ebyo, ebibaleetera ensonyi? Enkomerero yaabyo kufa. [22] Naye kaakano obanga mwasumululwa mu kibi, ne mufuuka baddu ba Katonda, ebivaamu bibatuusa ku kutukuzibwa, n'enkomerero bwe bulamu obutaggwaawo. [23] Empeera y'ekibi kwe kufa, naye ekirabo kya Katonda, bwe bulamu obutaggwaawo mu Yesu Kristo Mukama waffe.***

Obutuukirivu buno si bwa kukwata mateeka na bulombolombo wabula okuwaayo obulamu bwaffe eri Yesu Kristo okuba omulokozi waffe era ne tufuna obulamu obupya

mu ye olwo n’atuwa Omwoyo we Omutukuvu okufuga muffe n’atusobozesa okutambulira mu butuukirivu n’obutukuvu.

**Abaruumi 8:1-4** - ***Noolwekyo abo abali mu Kristo Yesu, tebaliiko musango; abo abatagoberera kwegomba okw’omubiri wabula ne bagoberera***
***Omwoyo. [2] Kubanga etteeka ery’Omwoyo aleeta obulamu mu Kristo Yesu,***
***lyannunula okuva mu tteeka ly’ekibi n’okufa. [3] Amateeka ga Musa kye gataayinza***
***kukola, olw’okunafuyizibwa omubiri, Katonda yakikola mu Mwana we yennyini bwe yamutuma mu kifaananyi ky’omubiri ogw’ekibi, n’asalira ekibi omusango mu***
***mubiri. [4] Ekyo kyabaawo, eby’obutuukirivu mu mateeka biryoke bituukirire mu ffe bwe tugondera Omwoyo, ffe abatatambulira mu mubiri naye abatambulira mu Mwoyo.***